**3rd/04/2021**

**MU KUBONAABONA KWA YESU KRISTO MWETWAFUNIRA OBUTUUKIRIVU**

**ISAAYA 53**

***Mu kitundu kino tugenda kulaba nti Yesu Kristo yeewaayo okufa enfa ey'obulumi ffe tulokolebwe era tusobole okutambulirira mu butuukirivu obwatuweebwa Katonda okuyita mu ye.***

**Vs1 Okibuuzo kya Isaaya**

**Vs2-3 Ekikula ky'omulokozi (kya kunyoomebwa)**

**Vs4-6 Ekigendererwa ky'obulamu bw'omulokozi**

**Vs7-9 Embala ye ey'obwetowaze**

**Vs10-12 Yafuuka ekiweebwayo olw'ekibi**

**Vs1 Okibuuzo kya Isaaya**

Ebigambo Isaaya bye yali agenda okwogera byali byetaaga okubikkulirwa okwenjawulo okubitegeera era ababitegeera bonna babikkirize kubanga mu byo mwe mwali amakulu g'obulamu bwonna.

Abuuza oba waaliwo eyali abikkuliddwa amaanyi ga Katonda mw'ekyo kyeyali agenda okukola mu bunnabbi bwa Isaaya.

**Vs2-3 Ekikula ky'omulokozi (kya kunyoomebwa)**

Omuntu Isaaya gwe yali ayanjula teyali wa ttutumu era nga mu bulamu bwe obw'obuntu yali waakunyomebwa era n'obulamu bwe  bwali bwa kufuba okugeraageranya n'ekikolo ekikuba ekkubo mu ttaka ekkalu.

Talina kikula kirungi mu buntu bwe era talina kisanyusa ku ye nti wanjawulo ku bantu abalala ekireeta okwegomba ku ye.

Obulamu bwe bwali bwa kunyoomebwa okuva ku bantu Katonda beyeesigisa omulimo gw'okumukuza, ekifo gye yazaalibwa wamu n'okuzaalibwa kwe byonna tebyali bya kitiibwa era nga tasanyusa nnyo kutunuulira mulundi mulala.

**Yokaana 1:45-46** ***'Firipo n'alaba Nassanayiri n'amugamba nti "Tulabye oyo Musa gwe yawandiikako mu mateeka ne bannabbi, Yesu, omwana wa Yusufu, ow'e***

***Nazaaleesi." Nassanayiri n'amugamba nti "Mu Nazaaleesi muyinza okuvaamu ekintu ekirungi?" Firipo n'amugamba nti Jjangu olabe.'***

__**Matayo 13:54-57**__ ***"Bwe yatuuka mu nsi y'ewaabwe n'abayigiriza mu kkungaaniro lyabwe, n'okuwuniikirira ne bawuniikirira, ne bagamba nti 'Ono yaggya wa amagezi gano, n'eby'amaanyi bino? Ono si ye mwana w'omubazzi? nnyina si gwe bayita Malyamu? ne baganda be Yakobo, ne Yusufu, ne Simooni, ne Yuda? Ne bannyina bonna tebali waffe? Kale ono yaggya wa ebigambo bino byonna?' Ne bamunyiigira. Naye Yesu n'abagamba nti Nnabbi tabulwa kitiibwa, wabula mu nsi y'ewaabwe, ne mu nnyumba y'ewaabwe."***

Bwatyo Katonda bweyasalawo okumuwa ekikula kino (*packing*) amuleete era ng'okumukkiriza mu makkati g'ekikula kino kwetaaga okubikkulirwa okuva eri Katonda.

Ssinga yalina embala ennungi esanyusa abantu osanga bangi baalimukkirizza olw'ebyo naye Katonda yayagala okukkiriza kwaffe mu ye kuleme kwesigamizibwa ku ndabika na maanyi gaamubiri gwe wabula okusinziira ku kiki ye kye yayagala okukola okuyita mu ye.

__**Vs4-6 Ekigendererwa ky'obulamu bw'omulokozi**__

Ennaku gye yalaba yali yaffe abantu era abaaliwo mu biro ebyo baatukiikirira bwe baalowooza nti Katonda amubonereza ku lulwe nga ye. Kino kyali nti kubanga mu kukwatibwa kwe Abayudaaya baalaba nti avvodde Katonda kyebaava bamusibako emisango attibwe.

__**Matayo 26:59-67**__ ***"Naye bakabona abakulu n'ab'omu lukiiko bonna ne banoonya obujulirwa obw'obulimba ku Yesu, balyoke bamutte; ne batabulaba, newakubadde ng'abajulirwa ab'obulimba bangi abajja. Naye oluvannyuma ne bajja babiri, ne bagamba nti Ono yagamba nti Nnyinza okumenya yeekaalu ya Katonda, n'okugizimbira ennaku ssatu. Kabona asinga obukulu n'ayimirira, n'amugamba nti Toyanukula n'akatono? kigambo ki bano kye bakulumiriza? Naye Yesu n'asirika. Kabona asinga obukulu n'amugamba nti Nkulayiza Katonda omulamu, tubuulire oba nga ggwe Kristo, Omwana wa Katonda. Yesu n'amugamba nti Oyogedde: naye mbagamba nti Okusooka leero muliraba Omwana w'omuntu ng'atudde ku mukono ogwa ddyo ogw'amaanyi, ng'ajjira ku bire eby'eggulu. Awo kabona asinga obukulu n'ayuza ebyambalo bye, n'agamba nti Avvodde Katonda: twagalira ki nate abajulirwa? laba, muwulidde kaakano obujoozi bwe: mulowooza mutya? Ne baddamu ne bagamba nti Agwanidde kufa. Awo ne bamuwandira amalusu mu maaso ge, ne bamukuba ebikonde: abalala ne bamukuba empi,"***

Wabula Katonda yakiganya kubanga yali ntegeka ye okuva ng'ensi tennabaawo nti okukubibwa, okubetentebwa kwe byali kuwaanyisibwa mu kifo kyaffe kubanga ffe twali twasobya.

Ekibonerezo ekyali ekyaffe kye yava yewaayo kimuweebwe ffe tufune emirembe era tuwonyezebwe emyoyo gyaffe n'emibiri gyaffe olw'okukubwa kwe.

Buli omu kuffe nga bwegwali mu biro bya Isaaya yasobya era twagala nnyo okukola ebyo ebisanyusa emitima gyaffe ate nga emirundi mingi tebisanyusa Katonda.

Mu biro bya Isaaya waaliwo ebikolwa by'eddiini naye tebyayinza kuleetera muntu n'omu butuukirivu. N'olwekyo, Mukama Katonda kye yava addira obutali butuukirivu bwaffe ffena n'abussa ku ye olwo ffe tufune obutuukirivu obwobuwa.

**<u>Abaruumi 3:22-26</u>** ***"bwe butuukirivu bwa Katonda olw'okukkiriza Yesu Kristo eri bonna abakkiriza; kubanga tewali njawulo; kubanga bonna baayonoona, ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda; naye baweebwa obutuukirivu bwa buwa lwa kisa kye olw'okununulibwa okuli mu Kristo Yesu: Katonda gwe yassaawo okuba omutango, olw'okukkiriza omusaayi gwe, okulaga obutuukirivu bwe, olw'okuleka ebibi ebyakolebwanga edda, Katonda ng'agumiikiriza; okulaga obutuukirivu bwe mu biro bino: alyoke abeere omutuukirivu era ng'awa obutuukirivu akkiriza Yesu."***

**<u>Vs7-9 Embala ye ey'obwetowaze</u>**

Kino omulokozi ono yakikola kubanga yalina obwetowaze eri Katonda Kitaffe. Yakkiriza okuyisibwamu amaaso era ne mukuwaayirizibwa, okuvumwa teyeewolereza n'akakatono.

Mu ngeri eno ageraageranyiziibwa ku mwana gw'endiga okutwalibwa okuttibwa oba okusalibwakko ebyoya ne gutawalira wadde okulwana.

Bwatyo bwe yasalirwa omusango okumusinga ne waakubadde nga teyalina kibi wadde obukuusa mu ye; n'atwalibwa olw'okusobya kwabo bennyini abaamutta. Yayisibwa ng'omukozi w'ebibi mu kufa kwe ate n'aziikibwa mu bagagga mu kuziikibwa kwe. Omusaala gwali gwa babi era abakozi b'ebibi era nga kino kyalabikira ku babbi be yakomererwa nabo.

Wabula newaakubadde enfa ye yali ng'eyababbi naye okuziiziikibwa kwe kwali kw'abagagga olw'entaana mwe yaziikibwa.

Abafiripi 2:5-11 "Mmwe mubeerengamu okulowooza kuli, era okwali mu Kristo Yesu; oyo bwe yasooka, okubeera mu kifaananyi kya Katonda, teyalowooza kintu ekyegombebwa okwenkanankana ne Katonda, naye yeggyako ekitiibwa, bwe yatwala

engeri y'omuddu, n'abeera mu kifaananyi ky'abantu; era bwe yalabikira mu mutindo ogw'obuntu, ne yeetoowaza, nga muwulize okutuusa okufa, era okufa okw'oku musalaba. Era Katonda kyeyava amugulumiza ennyo n'amuwa erinnya liri erisinga amannya gonna; buli vviivi lifukaamirirenga erinnya lya Yesu, ery'eby'omu ggulu n'eby'oku nsi n'ebya wansi w'ensi, era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama waffe, Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa.”

**<u>Vs10-12 Yafuuka ekiweebwayo olw’ekibi</u>**

Bino eby’ennaku  era ebikwasa ensonyi Mukama yabimuyisaamu alyoke abeere ekiweebwayo olw’ekibi. Yeetikka omusango gw’ekibi ky’abantu bonna era kwekwali okubonaabona kwe naye kulimu ebibla.

Okulumwa kwe tekwali kwa bwereere wabula mwe mwali okulokolebwa kwa buli muntu era nga ffe tuli mugabo gwe.

Mu kukkiriza ye ekirabo kya Katonda mwe tufunira obutuukirivu kubanga yeetikka obutali butuukirivu mu mubirigwe n’abutwala ku musaalaba.

**<u>Abakkolosaayi 2:13-14</u>** ***“Nammwe bwe mwali nga mufudde olw'ebyonoono byammwe n'obutakomolebwa mubiri gwammwe, yabafuula balamu wamu naye, bwe yamala okutusonyiwa ebyonoono byaffe byonna; n'okusangula endagaano eyawaadiikibwa mu mateeka, eyatwolekera, eyali omulabe waffe: nayo n’agiggyamu wakati mu kkubo, bwe yagikomerera ku musalaba:”***

Era obutali butuukiriivu bwaffe bwamuyiisa obulamu bwe obutukuvu atujjuze ffe abaali batasaanide olw’okusobya kwaffe era mw’ekyo awolereza buli omu kuffe mu maaso ga Katonda.

Omusaalaba gwe, obulumi bwe, okukubwa kwe bijjukizo by’okusonyiiyibwa kwaffe. Yayambala obutali butuukirivu bwaffe bwonna, naabusaanyizaawo ku musaala n’atwambaza obutuukirivu mu kifaanayi kye eky’okubetentebwa nti bwe tutyo bwe twandifaanaye; buli omu kuffe naye yatwala  ekifo kyaffe naatuwa obulokizi okuyita mu butuukiriivu.

Ffe olwaleero tuli mu biro eby’okutunula emabega tujjukire eby’awandiikibwa bino kubanga byatuukirira mu kufa n’okuzuukira kwa Yesu Kristo era ffe tuli bibala ebyava mu kulumwa kw’obulamu bwe (vs11).

Emirundi mingi  tukemebwa okwekolera obutuukirivu obwaffe ffe mu bikolwa eby’omubiri era bwetulemererwa mu bimu ku byo twennyika emmeeme kubanga tulaba nga tulemereddwa okukakasa Katonda nti tulemereddwa okukuuma endagaano yaffe naye.

Naye ab’oluganda okutuukiriza kw’obutuukirivu bwaffe kuli mu Kristo Yesu era bino yabikola ffe tuweebwe obutuukirivu obutusaanyiza okusikira obwakabaka bwa Katonda mwetuli omugabo gw’obulumi bwe era mu ffe mwalina okumatizibwa.

Kale tuleme okutambula wamu n’okweyisa ng’abatalina kutegeera kwa muwendo ogwatugula wabula ng’abamanyi omuwendo .

**Abaggalatiya 5:24-25** ***“N'abo aba Kristo Yesu baakomerera omubiri wamu n'okukwatibwa n'okwegomba kwagwo. Bwe tuba abalamu ku bw'Omwoyo, era tutambulenga ku bw'Omwoyo,***

**Abaruumi 13:12-14** ***“Tutambulenga nga tuwoomye nga mu musana, si mu binyumu ne mu mbaga ez'okutamiiranga, si mu bwenzi n'obukaba, si mu kuyombanga n'obuggya. Naye mwambale Mukama waffe Yesu Kristo, so temutegekeranga mubiri, olw'okwegomba.”***